
# Asiika Obulamu

# OBULABE OBULI MU KUKOZESA EBINTU EBIFUUSE KASASIRO

Bya JACKSON SEWANYANA



Omuvubuka ng'anyweera obutunda mu kicupa ky'amazzi.

ENKOLA ey'okuddamu okukozesa ebintu byonna ebirina okusuulibwa oluvannyuma lw'okuggyamu ebiriibwa oba ebinywebwa ebipakirwaamu esaasaanye mu ggwanga, awatali kulowooza kukabi akabivaamu.

Ebintu omuli obucupa bwa sooda oba amazzi, obusowaani obuliirwako emmere, obukopo obukolebwa okunywerwamu juyisi oba caayi, obukopo bwa ayisi kuliimu, ebicupa ebiteekebwamu butto, n'ebirala.

Enkola eno eri mu maka gaffe ne mu bakola bizinensi naddala ez'ebyokunywa okuli obutunda, omunaanaansi, obusera, omubisi omusogolerewo, n'ebirala.


Eky'obulabe ekirimu kwe kubeera nga bangi babulonda eyo gye busuulibwa ku makubbo oba ku kasasiro ekiteeka obulamu bw'abagula bye bassaamu mu matigga.

Polof. Ivan Muzira Mukisa, omunoonyereza era omukugu mu ssaayansi w'ebyokulya, okuva ku yunivasite y'e Makerere, annyonnyola nti, obucupa buno bukolebwa nga bulina okukozesebwa omulundi gumu gwokka.

Omuntu okuddamu n'akakozesa oba n'akateeramu omuntu ebyokunywa naddala ebikamulwa, kissa abagenda okubinywa mu matigga, nga gano gasibuka ku bintu bya mirundi esatu okuli; omuntu alonze akacupa, akacupa k'alonze n'ekifo w'akalonze.

Abantu abamu babeera bacaafu, nga n'ebifo mwe baggye obucupa bijama. Ate okusinziira ku banoonyereza n'obucupa bw'ennyini ebimu ku birungo ebikozesebwa mu kubukola bitussa mu matigga g'okulwala kookolo, okufuuka abagumba nga kw'otadde okulunguula oba okumyuukirira n'obulumi obukujjirako mu bitundu by'omubiri ng'emimiro n'ebirala.

- Wabula, obulabe obumu buyinza okuva ne ku bantu abaasoose okubukozesa, nga wano eyasoose okukakozesa ayinza okuba yabadde n'obulwadde obusiigibwa okuva ku muntu omu okudda ku mulala ng'akafuba n'ebirala naawe n'ofundikira nga bikukutte.
- Obuzibu obulala bw'oyinza okufuna kuliko: Omusujja gw'omu byenda, kkolera, okuddukana, okusesema, yinfekisoni z'omu lubuto, ebbugumu ly'omubiri okusituka ne lyeyongera ekisukkiridde.


Akabakuli nga kano olumala okukakozesa ng'okasuula.

### ENKWATA Y'OBUCUPA BW'ONODDAMU OKUKOZESA

Ebintu bino ebirina okusuulibwa nga kasasiro oluvannyuma lw'okukozesebwa omulundi gumu osobola okuddamu n'obyeyambisa singa okuuma obuyonjo.

Polof. Mukisa agamba nti, nga tonnaddamu kukozesa bintu bino, olina okusooka okubyoza n'okubimunyunguza ng'okozesa amazzi amayonjo ne ssabbuuni ayamba okutta obuwuka obubeerako.

Wabula waliwo obuwuka obusigalako ne bw'obeera okozesezza ssabbuuni, nga buno okubuttira ddala osobola okweyambisa enkola za mirundi esatu okuli:

1. Okubunnyika mu mazzi agatokota okumala eddakiika waakiri 10.
2. Okubuyingizaamu omukka oguva ku mazzi agatokota (steaming) okumala eddakiika 10. Wabula waliyo n'omukka omulala gwa bika bibiri okuli ogwa 'ozone' ne 'Ethylnedioxide' ogukubwa mu bucupa buno okutta obuwuka obw'obulabez, wabula nga guno gusangibwa mu balina fakitole ennene.
3. Okukozesa ekirungo kya 'Chlorine'. Kino okitabula mu mazzi amayonjo n'obunnyikamu okumala eddakiika 10. Abataguze kirungo kino basobola okukozesa jiiki, kuba naye alimu ekirungo kya 'Chlorine' obunnyikamu n'okubwoza ne butukula.

Polof. Mukisa agamba nti, okukozesa ekirungo kya 'Chlorine' oba jiiki by'ebisinga ku kubitokosa oba okukozesa omukka ogwokya ogugavaako. Kino kiri kiti kubanga pulasitiika bw'omutokosa afufunyala

Ekirala ebintu ebyokya nga ne bwe gubeera musana, omuliro n'ebirala ebirina ebbugumu ery'amaanyi bivaako okusituka kw'ebimu ku birungo ebyeyambisibwa mu kukola obucupa bwa pulasitiika, ekintu eky'obulabe kuba byegatta mu by'okunywa bye babussaamu obulamu bw'ababinywa ne bubeera mu matigga.


Polof. Ivan Muzira Mukisa owa yunivasite y'e Makerere.

Polof. Mukisa, agamba nti, obulabe bweyongera okusinziira ku nkwata, entereka, ebbanga akacupa lye kamazeewo n'emirundi gy'okaddinnanye ng'okakozesa.

Ekisinga okubeera ekirungi, bw'obeera otunda ebintu ebikamule ng'omunaanansi, obutunda, omubisi n'ebintu ebirala, obeera olina okugenda n'ogula obucupa obupya abantu n'obibassiza omwo mu kifo ky'okubibassiza mu bucupa bwa sooda oba amazzi bwe walonze kuba obumu ku buwuka obw'obulabe obububeeramu busobola n'okubumalamu emyaka 1000 nga tebunnafa.

## Ebintu ebirala ebirina okukozesebwa omulundi ogumu

Polof. Khadijah Nakinsige, omusomesa omukugu mu ssaayansi w'ebyokulya okuva ku yunivasite y'e Kyambogo, agamba nti, ng'oggyeeko obucupa bwa pulasitiika, waliyo n'ebintu ebirala ebigwa mu ttuluba lino nga nabyo bikolebwa nga bya kukozesa omulundi gumu bisuulibwe okwewala okugwa mu matigga. Ku bintu ebirala by'asonzeeko ebirina okukozesebwa omulundi ogumu kuliko:

1. Obusowaani obw'amangumangu obussibwamu emmere naddala ey'abatambuze oba abaagala okwetikka obuyitibwa.
2. Obugiiko ne wuuma abantu bwe batera okukozesa nga babateeredde emmere mu busowaani obw'amangumangu.
3. Obugiraasi omuli obunywerwamu caayi, n'obupakirwamu omubisi gw'ebibala ebikamule ogw'enjawulo, n'ebirala.
4. Obuseke obukozesebwa ku juyisi ne sooda.

Polof. Nakinsige agamba obusowaani obw'amangu, obugiraasi, obugiiko ne wuuma ebigwa mu ttuluba eryo tekiriiko kuteesa tebusaanidde kuddamu kukozesebwa, okuggyako nga wali wabugula oba nga wabuggya kumukolo n'obutereka ne bulwawo awaka nga tobukozesangako.

Wabula okukola kino, kyetaagisa okusooka okubwoza ne ssabbuuni, n'obussaako ne mu kasana kuba enjuba erina ekitangaala ekigivaako eky'ekika kya 'Ultra violet light' (UV Light), ekiyambako mu kutta obuwuka obw'obulabe obubeera bwa bugenzeeko. Naye era, tolina kubuleka mukasana okumala ebbanga eppanvu.

Ate Polof. Mukisa agamba nti, bw'obeera ng'akasowaani oba akagiraasi ko akamangungu akakunyumidde era ng'oyagala okuddamu okukakozesa, waakiri okasimbamu ebimuli oba okukaterekamu obuntu obutonotono ng'ebyokwewunda eby'oku matu, oba ekkalaamu zo n'ebirala n'okalabirako awo.


Polof. Khadijah Nakinsige okuva ku yunivasite y'e Kyambogo.

## Abantu kye bagamba


**Isaac Niyoyitungira :** Nsiga kukozesa obucupa obubademu amazzi. Bakasitooma bange mbubagulizaamu obutunda, omunaanansi, n'emicungwa emikamule. Wabula nsooka kubwoza.

**Phionah Mbakire :** Ntera okugula obutunda, omunaanansi, enkooge, omubisi gw'enjuki n'eddagala egganda ebibeera bissiddwa mu bucupa bwa pulasitiika.




**Julian Nantamu :** Nkolera mu katale k'e Busega naye abatuguza ebyokunywa ebikamule babissa mu bucupa bupya ate amazzi ge babikamuza basooka kugafumbako. Be nneekengera be babitambuza ku makubo ne ppaaka.